


Kabaka mu kifaananyi n'abavujjirizi abaatadde ssente mu misinde gy'Amazaalibwa ge egyabaddewo eggulo mu Lubiri e Mengo.

# Ebyabadde mu misinde gya Ssaabasajja Kabaka

Bya PATRICK KIBIRANGO, FATUMA NALUBEGA, HUZAIMA KAWEESA, EDWARD LUYIMBAAZI, MOSES NSUBUGA, DICKSON KULUMBA, PETER SSAAVA, HUZAIMA KAWEESI NE STEVEN KIRAGGA

ABANTU bazze mu bungi eggulo mu Lubiri e Mengo okwetaba mu misinde egikulemberamu ebikujjuko by'Amazaalibwa eg'emyaka 71 aga Ssaabasajja Kabaka wa Buganda Ronald Muwenda Mutebi II.

Ebbinu lyefuze emisinde gino, egyabadde egya 'vayibu' ng'abazze baanyumiddwa bya nsusso. Zaagenze okuwera ssaawa 11:00 ku Ssande ku makya ng'abaddusi bajjudde mu Lubiri balindirira Omutanda abasimbule batolontoke.

Abavubuka, abakadde n'abaana bonna baabaddeyo era langi emyuufu yeefuze Olubiri. Waasooseewo okukola dduyiro, abaddusi okugolola ebinywa.

Essanyu lyayongedde okubugaana abantu ba Kabaka, ku ssaawa 1:00 ez'oku makya, Katikkiro Charles Peter Mayiga, bwe yatuuse mu Lubiri n'awuubira ku bantu. Oluvannyuma yafunye ebifaananyi ne baminisita ba Kabaka wamu n'abavujjirizi.

Olubiri lwawuumye ku ssaawa 1:20 Katikiro Mayiga, abakungu n'abavujjirizi b'emisinde gino bwe baasimbye ennyiriri okwaniriza Kabaka.

Katikkiro yasoose kumwanjulira abagenyi be mu biti eby'enjawulo, oluvannyuma Beene ng'ali ne Maama Nnaabagereka Slyvia Nagginda baagenze mu weema, Kabaka n'awuubira ku bantu be ne bajula okufa essanyu.

Ku ssaawa 2:00 zennyini Kabaka yatambudde okugenda mu kifo ekitongole w'alina okusimbulira emisinde n'awuuba bendera ebasimbula.

Yatandikidde ku ba kkiromita 20, n'azzaako ab'e 15 okutuuka ku ba kkiromita 5.

## LYABADDE BBINU

Oluguudo Kabakanjagala okuviira ddala ku Wankaaki w'Olubiri okutuuka ku Bulange lwamyuse ng'abantu bateevunya nga munyeera era bakira baddukira mu 'vayibu' nga bwe bayimba enyimba ezisuuta Kabaka.

Abamu bazze n'ebizindaalo obwedda bye badduka nabyo nga biriko ennyimba ez'abantu ab'enjawulo nga olwa Bobi Wine olwa ***'Nnyimbira Kabaka wange.'***

Okwekuba ebifaananyi n'okuzina amazina byefuze emisinde anti waabaddewo ebimotoka bakira ebitambulira ku baddusi nga bwe bikuba ennyimba ezisuuta Omutanda.

Omulangira Richard Ssemakookiro, y'omu ku baacamudde abaddusi, bwe yeetabye mu misinde obutereevu era abaddusi bangi obwedda bamwekanga abatuuseeko olwo enduulu ne balaya! Nga bulijjo, Omulangira Wasajja naye yabaddeyo nnyo.

Abaddusi obwedda olukomawo okuva gye baddukidde nga bayingira Olubiri awaabadde entujjo ng'abayimbi nga Reign, Tom Dee, n'abalala babakuba omuziki ng'eno bwe balya n'okunywa.

Omulamwa gw'omulundi guno era gwabadde gwa kulwanyisa akawuka ka mukenenya okukamalawo mu Uganda nga tetunnatuuka mu 2030. Abantu baalabise nga baagutegedde era bangi olwamaze okudduka, ne beekebeza omusaayi ku bwereere. BIRAZE KU P26



'Taata bbebi' wakati mu ssanyu ne baddusi banne mu misinde eggulo. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.



Mwanamuwala ng'anyumirwa emisinde mubunabyalo.